ALI WASSWA

# UPDF ezimbye amasomero mu nteekateeka za Tarehe Sita



Minisita omubeezi ow'ensonga ezoomunda, Gen. David Muhoozi (wakati) ng'atongoza ekizimbe ky'eddwaaliro e Rukiga. Kozesa Vision Digital Experience App, olabe vidiyo.

Bya KIZITO MUSOKE ne ALI WASSWA

EGGYE lya UPDF likwasizza abantu b'e Kigezi pulojekiti 40 ezaazimbiddwa abajaasi mu disitulikiti omukaaga nga beetegekera okukuza olunaku lwa Tarehe Sita olwa 45.

Ebyakoleddwa mwabaddemu okuzimba ebizimbe by'ebibiina 9, ennyumba ezisulwamu 6, akatale, ebifo bibiri eby'okwewummuza, entindo, ebintu ebikuuma obuyonjo, amalwaliro ana, ekifo awakuumirwa amazzi n'okuzimba ekifo ky'ebyafaayo kimu.

Byonna byakoleddwa wansi w'omulamwa gwa Tarehe Sita ogugamba; "Okulwanirira ebituukiddwaako olw'enkyukakyuka n'okussa ekitiibwa mu kwewaayo kw'abalwanyi".

E Kabale, baazimbye ekizimbe kya bibiina bibiri ku Kanyankwanzi Primary School, ennyumba z'abasawo ku Rwene Health Centre II, okuzimba entindo z'e Kahungye ne Nyanja–Kambibi ne kaabuyonjo bbiri ez'omulembe ku Nyanja Primary School n'endala mu katale k'e Bugonji.

Mu disitulikiti y'e Rubanda, UPDF yazimbye ekizimbe kya bibiina bibiri ku Burorero Primary School mu ggombolola y'e Hamurwa, kaabuyonjo ey'omulembe ne mateneti waadi ku Bubaale Maternity Ward.

E Kisoro, UPDF yazimbye emidaala mu katale, ebibiina by'abayizi, kaabuyonjo n'okuteeka bbugwe wa sseng'enge ku malwaliro. Bwogenda e Rukiga, baazimbye entindo ku luguudo lw'e Nyakarambi–Kangondo, ekizimbe ekiriko ebibiina ebibiri ku Katungu Primary School, ennyumba z'abasawo ku Kitanga Health Centre II ne waadi y'abaana ku Mparo Health Centre IV.

Mu disitulikiti y'e Kanungu, UPDF yazimbye ekizimbe kya bibiina bibiri ku Kangarame Primary School, kaabuyonjo ey'omulembe ku Kishenyi Primary School, olutindo lwa Kihanda–Kambuga n'olw'abeebigere ku mugga gwa Kiruruma e Kihuri.

E Rukungiri, ekizimbe kya bibiina bibiri kyazimbiddwa ku Kakokoma P/S ne Kikarara P/S, ennyumba z'abasawo ku Ibanda Health Centre II ne Ngooma Primary School, ekifo we bookera kasasiro ku Rukungiri Health Centre IV ne kaabuyonjo ey'omulembe ey'amazzi ku Rwakabengo Health Centre III.

Kuno kwe baagasse n'okugaba ebintu ebikalu okuli amasuuka, emifaliso, jaketi z'oku nnyanja, konteyina omuteekebwa kasasiro n'obujaketi obwambalwa abavuga pikipiki.

Akuliddemu emirimu gy'ebikujjuko bya Tarehe Sita, Maj. Gen. Henry Masiko, yeebazizza baminisita abaabaddewo nga bawaayo ebintu ebyakoleddwa eri abatuuze.

Baminisita kwabaddeko minisita omubeezi ow'amakolero David Bahati eyabadde e Kisoro, minisita omubeezi ow'amagana Bright Rwamirama eyagenze e Kisoro, minisita omubeezi ow'ensonga ez'omunda Gen. David Muhoozi eyabadde e Rukiga, minisita omubeezi ow'ebyobusuubuzi Gen. Wilson Mbadi eyabadde e Kanungu ne minisita w'obutebenkevu Maj. Gen. (Rtd) Jim Muhwezi eyabadde e Rukungiri.

Tarehe Sita lubaawo nga February 6, lukuzibwa buli mwaka nga UPDF ejjukira olunaku olwo olwa 1981 eggye eryanunula eggwanga bwe lyatandika olutalo olwamala emyaka etaano ne bawamba obuyinza nga January 26, 1986.